

**P360/1
Luganda
Paper 1
2 ½ hours**

**ST. MARYS' KITENDE
UGANDA ADVANCED CERTIFICATE OF EDUCATION
RESOURCEFUL MOCK EXAMINATIONS 2020**

LUGANDA

**AMATEEKA NE'NKOZESA Y'OLULIMI, OBUWANGWA N'ABAWANDIISI)
OLUPAPULA OLUSOOKA
ESSAAWA BBIRI N'EKITUNDU**

Ebigobererwa:

- *Olupapula luno lugabanyiziddamu ebitundu bisatu: A, B ne C.*
- *Ebibuuzo byonna mu kitundu A, bya buwaze.*
- *Mu kitundu B kola nnamba 2, 3 ne 4. Oweereddwa eby'okulondako by'oyagala okuddamu.*
- *Mu kitundu C, ggyamu ekibuuzo kimu ng'okironda ku bikuweereddwa.*

Ddamu ebibuuzo byonna mu kitundu kino.

1. a) Nnyonnyola ensobi ezikoleddwa mu ggulama mu sentensi zino wammanga.
i) Simulabye mu kibiina oboolyawonga mukoowu.
ii) Empande zeziolumizza olubuto si mata.
iii) Empale ggyaguze nnene nnyo.
iv) Singa ggwenze tewandirimbye? (obubonero 4)
- b) Ddamu owandiike sentensi zino wammanga ng'ozifudde ezigaana.
i) Ndya muzeere n'ebijanjaalo.
ii) Bajja kujja akawungeezi.
iii) Onoolya gonja omwokye (obubonero 3)
- c) Oweereddwa ekikolwa(lima).
Nga weeyambisa akawakatirwa aka kanaaluzaala kikozese mu sentensi ssatu (3) ezenjawulo nga mu buli emu kiwa amakulu ag'enjawulo era ogalage. (obubonero 6)
- d) Sentensi ezikuweereddwa ddamu oziwandiike ng'amannya agalimu ogasisizza nakasigirwa ezibuuba.
i) Yalya empuuta ensiike, akawunga n'omuceere.
ii) Olwomukaaga tukomawo.
iii) Lule azze kati.
iv) Otya e Kalagala. (obubonero 4)
- e) Kozesa nakasigirwa ez'obuntu eziteemala ezikolebwako buli emu mu sentensi era ogisazeeko. (obubonero 6)
- f) Sentensi zino wammanga zizze mu kiseera ekyayise.
i) Okalya dda kadda dda.
ii) Lwaki weechwachwana otyo?
iii) Koloboza awo wokka. (3 marks)
- g) i) Wandiika embu z'amannya mu luganda ezoogerwako ng'endazi. (obubonero 2)
ii) Nyonnyola ebintu bibiri embu zino bye zifaanaganya. (obubonero 2)

EKITUNDU B

kola nnamba 2, 3 ne 4 ng'ogoberera ebikuweereddwa.
Kola 2 (a) oba 2(b).

2. a) Nyonnyla ebintu Abaganda kwe baasinziiranga okutuumma ebifo amannya. (obubonero 20)

Oba

b) Nyonnyola engeri ez'enjawulo Omuganda ze yeeyambisanga
okujjanjaba omwana omuwere. (obubonero 20)

3. a) Ku bisoko ebikuweereddwa londako bitaano (5) onnyonnyole
amakulu gaabyo agoomunda.

- i) Okukuba wuuli.
- ii) Okuba embaggubaggu.
- iii) Okukuba ekimooni.
- iv) Okwepekeca olugendo.
- v) Omuntu okulejja.
- vi) Okuba mu kattu. (obubonero 10)

b) Ku bisoko ebikuweereddwa londako bisatu (3) obikozese mu sentensi
eziggyayo amakulu gaabyo.

- i) Okuseka ekimwegeru.
- ii) Okulya ebikalu bitaaka.
- iii) Okulabira obudde mu luggi.
- iv) Emberebezi okugwa. (obubonero 6)

4. a) Maliriza engero ssatu (3) ku zikuweereddwa nga bwe zoogerwa.

- i) Ndwadde ekula kiro.....
- ii)akakubampanga emmese kagissa zzina.
- iii) Omusambirizi.....
- iv) Tunaagabanira mitala..... (obubonero 6)

b) Ku ngero ezikuweereddwa londako nnya (4) owe kye ziyigiriza.

- i) Wakka awunya nga ggwe omulumbye mu nswa ze.
- ii) Tebakikola nze ne ntuala akuttira bufumbo.
- iii) Ekirya atabaala kye kirya n'asigadde eka.
- iv) Nannyini mufu y'akwata awawunya.
- v) Ke weerimidde kakira mbegeraako. (obubonero 8)

EKITUNDU C

Ddamu ekibuuzo kimu (1) okuva mu kitundu kino ng'okiggya mu nnamba 5, 6 oba 7.

Kola 5(a) oba 5(b).

5. a) Nyonnyola engeri obujjumbize bwa Busuulwa mu kkowe
ly'ebengigiriza bwe buganyudde eggwanga. (obubonero 20)

Oba

b) Bintu ki ebyenjawulo by'ozuula ku Busuulwa ng'omuntu ng'omalirizza okusoma ebitabo bye? (obubonero 20)

Kola 6 (a) oba 6 (b).

6. a) Nyonnyola ku ngeri ez'enjawulo Kaswa z'afaanana okweyambisa n'akulaakulanya olulimi Oluganda. (obubonero 20)

b) Nyonnyola ku ebyo Kaswa by'atumanyisa ku bukiko obuva ku mbaala mu kimu ku bitabo bye. (obubonero 20)

Kola 7(a) oba 7(b).

7. a) Nyonnyola engeri ez'enjawulo Matovu ze yeeyambisa okuteekateeka abato abanaazimba Bugnada ey'enkyo. (obubonero 20)

Oba

b) Obuweereza bwa Matovu guba gutya omusingi abantu ab'enjawulo gwe bakozesa okwekulaakulanya? (obubonero 20)

*****BIKOMYE WANO*****